

Wali olabye ku kasooli ng'ayononebwa ndiwurila oba omuddo kayongo?




Emitendera gy'obulamu bwa ndiwurila mwayita



Wewandikungudde ensawo 10 eza'kasooli, okungula 2 olw'okulibwa ndiwurila noku-kosebwa kw'omuddo kayongo .

Bwatyo ndiwulira alya emmere kasooli gye yandikozeseza okukola n'okujjuza empeke ze




Omuddo kayongo gwonona Gutya Kasooli wo?

Kayongo, ateesa emirandira gye mu mirandira gya kasooli. Olwo emmere kasooli gy'aba ajja mutakkaomuddo guno gunyaga nga kasooli tanasobola kugikozesa.



Amagezi "g'okusindika n'okusika" kyeki?

Eno nima yakikugu ekozesebwa okulwanyisa ndiwulira awamu n'omuddo kayongo. Abalimi bakozeza ebisagazi ne kawalya okulwanyisa ndiwulira ne kayongo munimiro ya kasooli. Kawalya asimibwa mumakati genyiriri za kasooli.



Kawalya avamu olusu olugoba ebijojolo okuva mu nimiro ya kasooli. Kawalya gubutikira ettaka eryetolodde kasooli era neguteeka muttaka lino eddagala eriziyisa kayongo okumera mumirandira gya kasooli.

Ebisagazi bisimbibwa okwetolola omusiri gwa kasooli olw'okwetanirwa ebijojolo. Ebijojolo byetanira nyo okubiika amagyi gabyo mubisagazi okusinga kasooli, olwo ebisagazi nebi kola "ng'ebisika". Ebyembi ebisagazi tebisobozesa ndiwulira kukulira kubyo. Amagyi g'ebijojolo bwegalula, ndiwurila ayingira mu nduli yekisagazi. Eki sagazi kireta amasanda agalimu gaamu agakwata ndiwulira nafira mu nduli yekisagazi.

Mungeri eno ndiwulira asinga attibwa natanasobola kulya kasooli ate no muddo (kayongo) kattira nagwo guba tegusobola kumerera mukasooli olwo kuziyizibwa kawalya. Kale awo kasooli nawonyezebwa okulibwa ndiwulira n'okutibwa omuddo (kayongo) kattira nga tukozeza amagezi gano "agokusika omuguwa".

Engeri yo kusimba enimiro erimu "okusindika n'okusika"

1. Simba enyiriri z'ebisagazi ezitakka wansi wasatu okwetoolola enimiro ya kasooli
 2. Nga osooka busoosi, simba ebisagazi nga enkuba tenatonya bisobole okubera ebikuluko okusinga kasooli. Ebiwojjolo byetanira nyo ebisagazi ebikuzemu okukira kasooli.
 3. Gula ensigo za kawalya okuva mumatundiro g'ensigo agakuli okumpi. Buli yiika wetaga kilo y'ensigo za kawalya (*desmosium*) emu.
 4. Tegeka enimiro olabe nga nyonjo era nga telimu mafunfugu.
 5. Kozesa akati akasongovu okukola obukonko mumakati genyiriri zakasooli. Muno mwsosimba ensigo za kawalya
 6. Tabika ensigo za kawalya ne ekigimusa kya super phosphate (olubatu nga lumu olwensigo gatamu embatu nga bbiri ez'ekigimusa).
 7. Bwoba nga tolina kigimusa kya super phosphate, koseza ettaka eritalimu mpu-lunguze. Simba ensigo zomaze okutabula mubukonko bwewakoze, bwomala oziike bulungi.
 8. Simba ensigo za kawalya mubisera byenkubba zisobole okumera obulungi.
 9. Simba kasooli wo mu nimiro ey'etwolodwa ebisagazi.
 10. Nga wayisewo ebanga lya wiki nga 3-6, salira kawalya aleme kubutiikira kasooli.
 11. Enimiro gikume nga nkoole ebisagazi bisobole okusoloba ku kasooli. Ebiwojjolo bijja kwetanira nyo ebisagazi ebigazi okusinga kasooli.
- Enimiro ensimbe obulungi yandifananye bweti:



Ebirungi ebiri mukukozesa enima "y'okusindika n'okusika"

Bwo kozesa enima y'okusindika n'okusika bino wamanga byoganyulwamu;

Amakungula ga kasooli geyongera

Emere y'ente okuva ku bisagazi ne kawalya

Kawalya ateeke ekigimusa kya nitrogen mu ttaka lyo nekikendeeza kunsimbi zewandikozeseza okugula ekigimusa kino

Kawalya aziyiza okukuluguka kwe ttaka

Ofuna sente okuva mukutunda kawalya

Ofuna sente okuva mukutunda amatta g'ente agaba geyongendeko nga gava mukulisa ente obulungi ngo kozesa kawalya ne bisagazi

Okekereza sente zewandikozeseza okukuula omuddo (kayongo) kattira okuva mu nimiro ya kasooli

Ebisagazi ebyetloodde kasooli bisikiriza empewo eyamanyi esobola okusula nokwonona kasooli. Omulimi nga aliisa ente ye ebisagazi ne kawalya ebikunguddwa munimiro nga bakozesa enima "y'okusika omuguwa".



Okukozesa Enkola "y'okusindika n'okusika"

mukulwanyisa Ndiwulira n'omuddo (kayongo)
kattira kikuzobozese okukungula kasooli awerako



National Crops Resources Research Institute,
Namulonge, P.O. Box 7084, Kampala, Uganda.
Tel: +256 414 573016

in collaboration with

Integrated Soil Productivity Initiative through Re-
search and Education (INSPIRE)
P. O. Box 21990 Kampala, Uganda
Tel. +256 312 263218/9

and



International Centre of Insect Physiology and
Ecology (ICIPE), Kenya

Donors:

Kilimo Trust, Uganda

Biovision, Switzerland